# Bannayuganda basabiddwa okujjumbira tekinologiya n'ennimi ez'enjawulo


Akulira ebyensimbi mu Total energies Joseph Mawi (ku ddyo) ng'ayogerako n'abamu ku bagenyi abeetabye ku kijjulo kya bannansi ba China okuli Peter Agaba (ku kkono) ne Philip Niwarabashi.

ABASUUBUZI basabiddwa okwettanira Tekinologiya n'okuyiga ennimi ez'enjawulo kibasobozese okwanguyirwanga omulimu gwabwe naddala nga bakolagana n'abamawanga amalala.

Bino byogeddwa ku kabaga, bannansi be China bwebabadde basisinkanye n'abamu ku makampuni ag'enjawulo ge bakolagana nago kwe booleserezza n'ebimu ku by'obuwangwa byabwe omuli n'ebika by'emmere eby'enjawulo ku wooteeri ya Ariranga mu Kampala.

Yinginiya w'amafuta ga Total, Majorine Nankinga betenderezza bannansi ba China nga abamu ku bakasitoma baabwe kyokka n'alaga obwetaavu obwokwongera okukolaganira awamu nabo naddala nga bayita mu mpuliziganya enungi.

Nankinga yagambye kiba kirungi omuntu ali mirimu egy'obusubuuzi okubeera ng'amanyi ennimi ez'enjawulo kubanga kati Uganda ekulaakulanye mu bya tekinologiya ne mu nkola endala bwekityo kati eggwanga lyeyunirwa abantu okuva mu mawanga ag'enjawulo nga ku lukalu Africa, Bulaaya, Asia n'ensi endala.

Yagambye nti Uganda erimu abantu ab'amawanga ag'enjawulo nga bano bonna booger ennimi ez'enjawulo nga bwekityo omuntu bw'aba waakwanguyirwa enkolagana nabo alina okuyiga ennimi zino  kyanguye ku busuubuzi.

Akulira bakitunzi mu Acacia foundation, Philip Niwarabashi yasabye bantu okufaayo ne ku kukuuma obutonde nga kino bakikola nga bayita mu kwongera omutindo ku bintu bya pulasitiika nga babikolamu ebintu ebirala.